| Essomo 2 | الدرس الثاني |
|---|---|

2. Entuuko y'omuntu temanyiddwa. Teli agimanyi okujjako Allah tewali nomu amanyi lwalifa oba wa walifiira kuba okwo okumanya kwekwese yakwesigaliza Allah okukumanya.
3. Okufa bwekuba kuzze tewali asobola kukuzzayo wadde okukulindikirizaako wadde okukudduka. Era nga bwagamba Allah mu suratu Aarafa aya 34 nti:

Agamba Allah nti: ***"Nabuli muntu ayina entuukoye naye bw'eba etuuse entuukoye talindiikirizibwa kaseera konna wadde okwanguyirizibwa"***.
4. Omukkiriza bw'aba atuukidwako okufa, malayika w'okufa amujjila mukifananyi ekirungi era nobuwoowo obulungi era nga ajja nebamalayika bokusaasira nga basanyusa omuntu oyo n'ejjana. Nga bw'agamba Allah mu suratu Fuswilat aya 30

Agamba Allah nti "***Mazima Abo abakkiriza nebagamba nti omulezi waffe ye Allah era oluvanyuma nebatebenkera kw'ekyo babakkira gyebali bamalayika (mubuli kiseera kyokutya) nga babagamba nti temutya era temunakuwala musanyusibwa n'ejjana eyo gyemubadde mulaganyisibwa".***
Songa ate ye omukafiiri omujeemu amujjira malayika w'okufa nga wantiisa nnyo ayina ekyenyi kiddugavu nnyo etanga ajja nebamalayika bebibonelezo nga bamusanyusa nebibonerezo nga bwagamba Allah mu suratu Aniaam aya 93.

Agamba Allah nti: ***"Singa omanyi ngolaba mukiseera awo abalyazamanya embeera gyebabaamu nga bajjibwamu emyooyo nga nebamalayika bagaludde emikono gyabwe babagamba nti myoyo mmwe ababi mufulume mwekka namwekka olwalero mujjakusasulwa bibonerezo ebiruma nga binyomoofu kulwebyo byemubaddemu nga mwogera ku Allah ebitali bya mazima nemubeera nga amateeka ge mugekuluntalizaako".***
Okufa kuno bwekujja ekituufu kyeyoleka era ensonga n'eba nga buli muntu agiraba bulungi. Agamba Allah mu surat Mu-uminuuna aya 99 - 100

Agamba Allah nti: ***"Okutuusa lwekkujjira omu kumwe okufa agamba nti ayi Katonda omulezi wange nzizaayo oba olyawo ŋenda kukola emirimo emirungi mwegyo gyendese nesigikola, bamalayika bamuddamu nti nedda ekyo kigambokyo okyogela bwogezi (ekiseera wayina kinene nokizanyiramu) noluvanyuma lw'obulamu obwo emabega waliyo obulamu obuzibu eri abajeemu ate obwesanyu eri abatya Allah Okutuuka kulunaku lwokuzuukizibwa".***
N'olwekyo tukimanye nti okufa bwekujja yegomba omukafiiri oba omwononefu nti singa adda kunsi abeko nemirimo emirungi gy'akola naye nga okwejjusa okwo kuba tekukyagasa oluvanyuma lwekiseera okubeera nga kiyise. Era nga bw'agamba Allah mu suratu shuurah aya 44 nti.

Agamba Allah nti: ***"Era ojjakulaba abalyazamanya bwebalimala okulaba ebibonerezo nga bagamba nti abaffe ekyokudda kunsi tukole emirimo emirungi wakyaliwo ekkubo eryo?"***
5. Era omukkiriza kimanye nti kulwokusaasira kwa Allah eri abaddube yatuwa natulaganyisa nti omuntu yenna asembyayo ekigambo kya Lailah illa llah nga kyasembezzayo okwogera nalyoka afa, oyo omuntu ayingira ejjana. Era nga bwekiri mu hadiith eyawandiikibwa Abu Dawuda egamba nti.

Agamba omubaka (SAW) nti: ***"Omuntu alibeera nga ekigambokye ky'asembezzayo okwogera ng'ava mudduniya kya Lallah illa llah oyo agenda kuyingira ejjana".***
(Tumusaba Allah akituwe nebakadde baffe nebakyala baffe n'ezadde lyaffe) songa ateekwa okukimanya nti ekigambo kino tasobola kukyogera omuntu mukiseera ekyo ekizito ennyo kityo okujjako oyo omukkiriza eyakola kulwa Allah era nga amwawula tamugattako kintu kirala kyonna. Naye oyo awangalidde mubujeemu okusinza ebintu ebirala obushiriku obulogo nebirala, Oyo yye abeera mukubonaabona nabulumi bwa kufa tayinza kukijjukira wadde okutebenkera okukyogera.
Nolwekyo kimanye nti kiri munkola yamubaka (sunna) eri oyo yenna abeera agenze eri munnaffe asembeledde okuffa okubeera nga amujjukiza ekigambo kino nga bweyatulagira omubaka (SAW) bweyatugamba nga bwe kiri mu hadith eyawandiikibwa Imaam muslim egamba nti:

Agamba omubaka (SAW) nti: Mujjukize abantu bammwe abasembeeedde okufa ekigambo kya Laailaaha illa llah.
Kinonno kimugamba obutayogerayogera bigambo birala bitali bya mugasa era ebitasaana singa muba mumujjukizza.